**12th May 2019.**

# OBUTUKUVU OBUSIKIRIZIBWA OBUTUKUVU BWA MUKAMA KATONDA.

**Eby'Abaleevi 11.**

Amakya ga leero mu kweyongerayo okusomesebwa mu kitabo kyaffe eky'eby'Abaleevi tutandika ekitundu eky'essuula ettaano ezoogera ku mateeka Mukama ge yawa Musa ku bitukuvu n'ebitali, awamu n'ebilongoofu n'ebitali, abaana ba Isirayiri bye baalina okweetegereza bakwaate ng'empisa zaabwe, okubaawula eri Mukama ng'ababe abamweefaanaanyiriza kubanga nate Ye yali Kitaabwe, ky'endaba nga kiyungirwa bulungi ku mulamwa gwe tubaddeko mu ssuula ey'ekkumi ey'obweetaavu bw'okwawulangamu ebitukuvu n'ebyabulijjo, ebirongoofu n'ebitali birongoofu. Era nga Mukama bwe yali abagambye mu nnyiriri 10,11 nti "Mwawulengamu ebitukuvu n'ebyabulijjo, ebirongoofu n'ebitali birongoofu; era kibasaanidde okuyigirizanga abaana ba Isirayiri amateeka gonna Mukama Katonda g'abawadde ng'agayisa mu Musa."

Ekitundu kino kiggyayo ogumu ku milamwa emikulu gy'ekitabo kino, nga bwe butuukirivu bwa Mukama Katonda, bwe twaalaba omulundi oguwedde nti buteekwaawo mu nsa y'okwawulangamu ebitukuvu n'ebyabulijjo, ebirongoofu n'ebitali birongoofu, kyokka mu ntabagana y'endagaano empya mwe tutabagana ne Mukama Katonda waffe egwaanidde okusikirizibwa n'okunyweezebwa mu kumanya n'okutegeera obutukuvu bwa Mukama olwo lwe tutambulira mu mw'ebyo, ne tuba n'obutuukirivu bwe mu bulamu bwaffe obumwolesa mu ngeri eyannamaddala.
Nga bwe tulina eby'okulabirako ebibiri mu Baibuli; Yusufu ne Danyeri, abaamalirira obuteeyonoonesa ne baba n'obulamu obuwanguzi era obwagulumizanga ekitiibwa kya Mukama Katonda.

N'olw'ekyo wadde tunaasoma essuula zino zonna nga bwe kitugwaanidde kubanga ebyawandiikibwa byonna byatuweebwa tuyigirizibweemu, tujja bikwasaganya n'amakulu ge tugwaanidde okuba nago mu ndagaano empya mwe tutabaganira ne Mukama anti Abakolosaayi 2:11-17 zigamba……..
Tusome essuula……

Olw’okuba nga bwe twaakikoonyeeko waggulu era bwe kyawandiikibwa mu I Tim. 4:4,5 nti “Kubanga buli kitonde kya Katonda kyonna kirungi, era tekizira, kasita kiriirwa mu kwebaza, kubanga kitukuzibwa na kigambo kya Katonda, n’okukisabira.” Ate nga ne Peetero yatuukiririrwa Katonda mu Bik. 10:15…….. n’amukalaatira nti “.......Ekyo Katonda ky’amaze okulongoosa tokiyitanga ekitali kirongoofu.”

N’olw’ekyo olw’okuba amateeka gano gaweebwa ng’ekisiikirize eky’ebyo ebyali bigenda okujja, naye ekirimu ensa ye Kristo. Kye tuba tulina okuba kwe kubanga buli kye tukola, oba kulya oba kunywa, tukikola nga tugenderera kugulumiza Katonda. [I Abakk.10:31].

Olwo obutukuvu bwaffe ne buba nga busikirizibwa butukuukirivu bwa Mukama Katonda waffe nga bwe kyawandiikibwa mu lnny. 44 nti “Kubanga Nze Mukama Katonda wammwe, kale mwetukuzanga ne mubeera batukuvu, kubanga Nze ndi mutukuvu.” Ekiddiŋŋanwa emirundi nga mwenda mu kitabo kino, era olw’okuba kino kye kitabo omusinga okwogerwa ku butuukirivu bwa Mukama mu bitabo bya Baibuli byonna, nga Mukama atongoza entabagana Ye ne Isirayiri yayagala bakikkaatirwe nti mu buli kimu eky’obulamu bwaabwe balina okwolesa obutukuvu bwa Katonda waabwe okwaawulwa okubeera ddala ababe.

Naffe nga bbo tugambwa mu I Pet.2:9-12 nti ……..

Nga bwe yagamba Isirayiri mu lnny. 45 nti “Kubanga Nze Mukama eyabaggya mu nsi ey’e Misiri, okubeera Katonda wammwe; n’olwekyo kibasaanira okubeeranga abatukuvu, kubanga Nze ndi mutukuvu."

Naffe tugambwa Yesu Kristo mu Matayo 5:48 nti “Naye mmwe kibagwanira okubeeranga abatuukirivu nga Kitammwe ali mu ggulu bw’ali Omutuukirivu."

N’olw’ekyo okwagala kwa Mukama Katonda waffe kwe tulina gyaali, awamu n’entiisa y’obwakatonda bwe mu ffe nga Kitaffe bye bigwaanidde okutusikirizanga okutambuliranga mu butukuvu buli kiseera olw’ekisa kye ekingi gyetuli kye tusiima nga tukola bwe tutyo.